



مذکورہ امام احمد رضا خان ازمن



Ebiroombojja obulamu bwa

# Imam Ahmed Raza Khan

(Luganda)

Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat ng'ono ye  
mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulana Abu Bila

**Muhammad Ilyas**  
Attar Qadiri Razavi

قامت بترجمة  
العثائية

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ النُّبُوْتِ  
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَنِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

## Ekitabo kyange ekyasokera ddala

Namatira nnyo A'la Hadrat Imam Ahmad Raza Khan عَزَّوَجَلَ عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمَنِ okuva mu buto bwange. Ekitabo kyange ekyasokera ddala kyali 'Ebiroombojja obulamu bwa Imam Ahmad Raza mu bufunzefunze' ekyafulumizibwa nga 25<sup>th</sup> Rajab-ul-Murajjab 1393 (31<sup>st</sup> March, 1973) ku lunaku lwa 'Yaum-e-Raza.' Kifulumiziddwa mu ngeri nyngi nenkyuuakayuuka ntonotono olw'okuyita kw'ebiseera.

Mu biseera ebyo, ekinkumu (signature) ekijjukiza ku Raudah-e-Rasul صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ kyali tekinanzijira; nakirowoozaako luvanyuma. Naye, kulw'okujjukira, olunaku olwasooka lusigaziddwa ku lupapula olusembayo. Nsaba Allah akkirize okulafuubana kwange ate ateeke ekitabo kino kibeere kyamugaso nnyo eri abaagazi ba Nabbi Ow'emikisa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ. Nsaba Allah عَزَّوَجَلَ ansonyiwe na buli mu Sunni asoma ekitabo kino ngatetubaliddwa, kulwa A'la Hadrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ.



أَمِينٌ بِحَجَّةِ التَّبِيِّ الْأَمِينُ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

25<sup>th</sup> of Muharram-ul-Haram, 1433 Hijri

21-12-2011

# تَذْكِرَةُ إِمَامِ أَحْمَدِ رَضا

Tažkirah Imam Ahmad Raza

Ebiroombojja obulamu bwa رَحْمَةُ اللَّهِ عَلَيْهِ

## IMAM AHMAD RAZA mu bufunzefunze'

Ekitabo kino kyawandiikibwa mu lulimi olu Urdu Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat, ng'ono ye mutaandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دامت برکاتہم العالیہ. Olukiiko oluvunaanyizibwa ku mulimu gwokuvvuunula nalwo lusazeewo okukivvuunula mu lulimi oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna mu empeera.

### Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran, Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

**UAN:** +92-21-111-25-26-92 – Ext. 1262

**Email:** translation@dawateislami.net

# Table of Contents

Ekitabo kyange ekyasokera ddala ..... 1

## Ebiroombojja obulamu bwa Imam Ahmad Raza mu bufunzefunze' ..... 1

Obulungi bwa Salat-'Alan-Nabi ﷺ .....	1
Okuzaalibwa okusuubiza .....	2
Omwaaka A'la Hadrat mweyazaalibwa .....	2
Obutoo obwewuunyisa .....	3
Ekyagwaawo mu butoobwe .....	4
Fatwa eyasooka.....	6
Obukeenkufu bwa A'la Hadrat mu kubala.....	7
Amaanyi g'ebijukizo agewuunyisa .....	8
Okukwaata Quran mu mweezi gumu gwokka .....	9
Okwagala Nabbi .....	10
Okwewala okuwaana abakulembeze .....	11
Okulaba Mustafa ﷺ mu bugolokofu .....	13
Okutunula mu mpisaze.....	14
Okuntuula okw'okuwa ekitiibwa mu Milad .....	16
Engeri ey'okwebaka ey'enjawulo .....	17
Egaali y'omukka yasigala tetambula! .....	17
Ebitabobye .....	19
Okuvvuunula kwa Quran Entukuvu.....	20
Okufa okw'ennaku.....	21
Okulinda mu mbuga ya Nabbi ﷺ .....	22

الْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ  
أَمَّا بَعْدُ فَاعُوذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ

Ebiroombuja obulamu bwa رَحْمَةُ اللهِ عَلَيْهِ

# Imam Ahmad Raza mu bufunze'

Newankubade Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma ekitabo kno okuva kuntaandikwa okutuusa kunkomerero ng'omegga obukodiyo bwa Shaytan إِنَّ شَaytaً نَّعَذَّبَهُ. oja kuganyul waamu mu bulamu buno obw'okunsi n'obwoluvanyuma.

## Obulungi bwa Salat-'Alan-Nabi صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ

Gano mawulire malungi okuva ewa Nabi w'abantu, Omutebenkezi w'emitima gyaffe, Omugabbi Ennyo era Ow'ekisa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰيْهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Oyo yenna ansaalira (okusoma Şalat 'ala Nabbi), njakumuwolereza.' (*Al-Qawl-ul-Badi'*, p. 261 – *Muassasa-tur-Rayyan*, Beirut)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّدٍ

## Okuzaalibwa okusuubiza

Mukama wange, A'la Hadrat, Imam-e-Ahl-e-Sunnat, Eyazza obuggy-a-e-Sunnah, Eya-sanyawo Bid'ah, Omumanyi wa Shari'ah, Omulagirizi mu Tariqah, 'Allamah Maulana Al-Haj Al-Hafiz Al-Qari Ash-Shah Imam Ahmad Raza Khan عليه رحمة الرحمن yazalibwa ku Lw'omukaaga, 10<sup>th</sup> Shawwal, 1272 A.H. (14<sup>th</sup> June 1856) mu kiseera kya Salah ya Zuhr mu Jasoli, ezimu ku disitirikiti za Bareilly Sharif, India. Erinnya elyekuusa ku mwaaka gweyazaalibwaamu (1272 A.H.) liri Al-Mukhtar.

(*Hayat-e-A'la Hadrat, vol. 1, pp. 58 – Maktaba-tul-Madinah, Karachi*)

## Omwaaka A'la Hadrat mweyazaalibwa

Mukama wange A'la Hadrat عليه رحمة الله تعالى ياججا omwaaka gweyazaalibwaamu okuva mu Juzzu ya 28 Ayaah 22 eya Surah Mujadalah. Mu ayah eno, mulimu omuwendo 1272 ng'okozesa 'Ilm-e-Abjad<sup>1</sup> ate omwaaka gweyazaalibwaamu mu kaleenda ya Hijri nagwo guli 1272. Nolw'ekyo, kiwandikiddwa ku lupapula 410 olw'ekitabo *Malfuzat-e-A'la Hadrat* ekyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah: Baali bogera ku nnaku z'okuzaalibwa; ku kkyo A'la Hadrat yagamba: الحمد لله عزوجل Olunaku lw' okuzalibwa kwange kuli mu ayah eno:

---

<sup>1</sup> Kuno kumanya okulimu okubalirira emiwendo gy'enyukuta z'oluwarabbu.

أُولَئِكَ كَتَبَ فِي قُلُوبِهِمُ الْإِيمَانَ وَآيَّدَهُمْ بِرُوحٍ مِّنْهُ

Abo nno beebo emitima gyabwe Allah gyajjuziza obukkiriza, ate abayambye n'Omwooyo okuva eri yye.

[*Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)*] (Part 28, *Mujadalah*: 22)

Erinnya lye ely'enzalirwana ye Muhammad. Jajja we omusajja yamuyita 'Ahmad Raza' era yayatiikirira nnyo n'erinya lino.

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَوَاتُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ

## Obutoo obwewuunyisa

Okutwaliza awamu, mu buli kiseera endowooza y'abaana eba yefaanana – nti oktuusa emyaaka musaanvu oba munaana basigala bawere era tebesigika mu ntegeera. Naye, obutoo bwa A'la Hadrat ﷺ bwaali bwanjawulo nnyo. Endowooza ye n'okukwaata byasomeseddwa byaali byamaanyi nnyo ne mu butoobwe nti yamaliriza okusoma Quran Entukuvu yonna ku mwaaka egy'obuto emitono gyaali 4½ gyokka.

Ku myaaka mukaaga, yabuulirira n'okumanya okwawaggulu mu Milad-un-Nabi ﷺ mu maaso g'olukungana lw'abantu abangi ennyo mu mweezi ogw'emikisa ogwa Rabi'-ul-Awwal era yasiimibwa nnyo abamanyi n'ababuulirizi. Ku mwaaka gyegimu, yalangirira oludda lwa Baghdad Sharif (ekibuga ekitukuvu ekya Ghaus-e-A'zam (عليه السلام) era

oluvanyuma, teyalannamya maguluge mu ludda olwo olw'emikisa olw'ekitiibwa. Yali ayagala nnyo eri-e-Salah; yali asaala-e-Salah ettaano ezabulijjo mu Masjid nga asaanga Takbeer-e-Aula. Buli bweyasisinkana omukyaala yenna, yali ateekerawo wansi omutwegwe era nakakanya amaaSoge, nga agoberera Sunnah y'Omwagalwa Nabbi ﷺ kyeyalaga mu kutontoma kwe kweyatontoma mu maaso g'Owemikisa Nabbi ﷺ nti:

*Nichi ank̄haun ki sharam-o-haya par Durud*

*Aunchi bini ki rif'at pay lak̄haun Salam*

(*Hadaiq-e-Bakhshish*)

A'la Hadrat ﷺ yali atya nnyo katonda okutuusa ku ddaala nti, mu buvubukaabwe, eddoboozi ly'ebigerebye lyali teliulikika nga ataambula. Yataandika okusiiba kw'omweezi gwa Ramadan-ul-Mubarak okuva ku myaaka musaanvu.

(*Fatawa Razawiyyah, vol. 30, pp. 16*)

## Ekyagwaawo mu butoobwe

Sayyid Ayyub 'Ali رحمه الله تعالى ي Gambi nti A'la Hadrat رحمه الله تعالى bweyali nga akyaali muto, omusomesa yali aja ewaka okumusomesa Quran Entukuvu. Olunaku lumu, nga alimukumusomesa, omusomesa yagamba A'la Hadrat رحمه الله تعالى ademu okusoma ekigambo okuva mu ayah ya Qurannaye ye رحمه الله تعالى yali tasobula ku kisoma mu ngeri

omusomesawe gyeiali amulagira okusomeramu. Omusomesa yali ayatula ekigambo ne Zabar (Fatha) wabula A'la Hadrat ﷺ yali ayatula ekigambo kyekimu ne Zair (Kasra).

Jajja wa A'la Hadrat omusajja Maulana Raza 'Ali Khan bweyalaba embeera nga bweyali, yayita A'la Hadrat ﷺ aseembere nasaba omuntu aleete Quran Entukuvu ekigambo ekituufu kirabwe. Bweyalaba mu Quran Entukuvu, yalaba nti omuwandiisi yali akoze ensobi nawandiika Zabar (Fatha) mu kifo kya Zayr (Kasra), i.e. A'la Hadrat ﷺ kyeyali esomye kyaali kituufu. Jajaawe ﷺ yabuuza, 'Ahmad Raza! Lwaaki tewayogera ekigambo ekyo nga musomesaawo bweyali agambye?' A'la Hadrat ﷺ yaddamu n'obwetoozaze, 'Nagezaako okwatulanga omusomesa naye nawulira nga sirina kukugira lulimi lwange.

A'la Hadrat ﷺ yekenyini yagamba, 'Waaliwo omusomesa wange gwenasomerako ebitabo ebisookerwaakwo; buli bweyamaliriza okusomesakwe, natunula ku misomo gyange omulundi gumu oba ebiri era nembika ekitabo. Oluvanyuma, buli lweyansaba okuddamu okwogera emisomo gyange, nali ngiddamu nga ngyogera kigambo ku kigambo. Yali yewuunya embeera nga bweyali bulijo.

Lumu yangamba, ‘Ahmad! Oli muntu oba jinni? Okusomesa kwange kutwaala obudde naye okukwaata kwo tekutwaala budde!’ A’la Hadrat ﷺ yaddamu, ‘Amateendo gonna ga Allah عَزَّوَجَلَّ, Ndi muntu, naye, mpeereddwa omukisa okuva ku Bugabi n’Ebyengera bya Allah عَزَّوَجَلَّ.’

(*Hayat-e-A’la Hadrat*, vol. 1, pp. 68)

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَّوْا عَلَى الْحَبِيبِ

## Fatwa eyasooka

Ku myaaka 13, emyeezi 10 n’ennaku 4 days, Dastar (satifikeeti eweebwa oluvanyuma lw’okumaliriza emisomo gy’obusiraamu) yaweebwa A’la Hadrat ﷺ nga bweyali amalirizza emisomo gye eggy’obusiraamu wansi wa kitaawe Ow’eitiibwa Maulana Naqi ‘Ali Khan رحمۃ اللہ تعالیٰ علیہ. Ku lunaku olwo lwenyini, ye yawandiika Fatwa nga ayanukula ekibuzzo. Nga asaanze Fatwa nti ntuuu era nga temuli nsobi, kitaawe Ow’ekitiibwa Maulana Naqi ‘Ali Khan رحمۃ اللہ تعالیٰ علیہ yamuwa yafeesi ya Mufti era A’la Hadrat رحمۃ اللہ تعالیٰ علیہ yagenda mumaso n’emirimu gya Ifta okutuusa lweyafa.

(*Hayat-e-A’la Hadrat*, vol. 1, pp. 279)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ amusaasire era atusonyiwe nga tetubaliddwa ku lulwe!

أَمِينٌ بِحَجَّٰ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

## Obukeenkufu bwa A'la Hadrat mu kubala

A'la Hadrat ﷺ yaweebwa okumanya kungi nnyo u miteeko gyokumanya emingi ennyo. Yawa okusuulwaakokwe ku miteeko makumi ataano ag'okumanya era nawandiika ebitabo bingi eby'omuwendo. Yali mukeenkufu kumpi mu buli muteeko. Yalina obukeenkufu obw'ensusso mu 'Ilm-e-Tawqit (okumanya kw'okugeraageranya ebiseera bya Salah n'Okusiiba) nti yali atega esaawa ye nga atunula butunuzi ku njuba emisana n'emunyeenye ekiro. Essaawa zeyatega zaali nga ntuuufu era tezaawaba yadde ddakiika emu.

A'la Hadrat ﷺ yali amanyi nnyo okubala. Lumu, Dr. Ziyauddin, omumyuuka w'omukulu wa Yunivasiti ya 'Ali Garh, eyali alina okutikkirwa okuva ebweeru n'ebirabo, yakyalira A'la Hadrat ﷺ okumubuuza ku naamba y'okubala. A'la Hadrat ﷺ yamugamba amubuulire enamba. Yamuddamu, 'Sikyaangu kubuulira ku naamba eno.' Ye yamusaba neera, 'Mbuulira ko yadde katono!' Omumyuuka w'omukulu yanyonyola obuzibu bw'enamba eyo naye, mu kwewuunyawe, A'la Hadrat ﷺ mangu ddal yamuwa okwanukulwa kw'enamba n'obumativu!

Nga yewuunya okuwulira okwanukulwa okutuufu, Dr. Ziyauddin yagamba, 'Nabadde nsazeewo okugeenda mu Bujirimaani okufuna okwanukula kw'enamba eno naye eky'omukisa omulungi Purofeesa waffe ow'Obusiraamu, Maulana Sayyid Sulayman Ashraf Sahib yandagiridde nziye

wano. Olinga eyabadde alaba okwanukulwa kw'ennaamba eno okuva mu kitabo ekimu.' Yaddayo nga musanyufu era nga mumativu. Yewuunya nnyo obunene bwa A'la Hadrat ﷺ era yakuza ekirevu natandika okusaala eŠalah zonna era n'okusiba mu Ramadan.

(*Hayat-e-A'la Hadrat*, vol. 1, pp. 223-229)

A'la Hadrat ﷺ yalina okumanya kungi nnyo ku Takseer, Astronome, 'Ilm-e-Jafar nebirala.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Amaanyi g'ebijjukizo agewuunyisa

Abu Hamid, Sayyid Muhammad Kachochawi علیه رحمۃ اللہ القوی و yagamba, ‘Bwennali nga ndi mu Bareilly Sharif okuweereza mu Dar-ul-Ifta, ebyagwaawo bingi ebyalaga okwanukulwa okw’obwangu okwa A’la Hadrat علیہ رحمۃ اللہ تعالیٰ ku bibuuzo byalabye emisana nekiro, nebyewunyisa abantu abaaliwo.

Mu nyanukula zino, mwaalimu enyanukula ezewuunyisa ezitaalina zizifaanana mwebyo ebyayogerwaako mu byafaayo. Okugeza, ekibuuzo ekimu kyafunibwa, abakeenkufu ba Dar-ul-Ifta baakitunulamu nebalaba nti ensonga empya yaali ereteddwa. Nabwekityo, kyali kirabwa nti tewali kulamulwa kwa Busiraamu kwali kuyinza kukiddamu era nti okwanukula kwali kulina okujibwa okuva mu mateeka agasengekebwba abalamuzi b'obusiraamu. Bwe kityo, bwetwageenda eri A'la

Hadrat ﷺ okubuuza, ‘Ebibuuzo ebipyä okutwaaliza awamu byabeera nti bibuuzibwa. Tukozese nnamula ki?’ A’la Hadrat ﷺ yaddamu, ‘Kino kibuuzo kikadde nnyo. Kiwandikiddwa ku lupapula luno ne luno olwa *Fath-ul-Qadir* eyawandiikibwa Ibn-e-Humam, ku lupapula luno ne luno olwa voliyumu bweti eya *Rad-dul-Muhtar* eyawndiikibwa Ibn-e-‘Abideen, ne mu *Hindiyyah* ne mu *Khairiyyah*.’

Ebitabo ebyo bwebyaweebwa, tewaaliwo nsobi yadde neemu yasaangibwa ku mpapula ez’ayogerwa, lunyiriri ku lunyiriri n’ebyalimu. Kino ekyengera ekitukuvu era ekitone kya A’la Hadrat ﷺ kyasigala kyewuunyisa abamanyi.’

(*Hayat-e-A’la Hadrat*, vol. 1, pp. 210)

Tusaba Allah ﷺ amusaasire era atusonyiwe nga tetubaliddwa ku lulwe!

أَمِينٌ يَجْاهُ التَّيْمَنَ الْأَمِينُ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

## Okukwaata Quran mu mweezi gumu gwokka

Sayyid Ayyub ‘Ali ﷺ yagamba nti olunaku lumu A’la Hadrat ﷺ yagamba, ‘Abantu abamu abatamanyi bawandiika erinnya ‘Hafiz’ n’erinnya lyange naye sirigwaana kubanga siri Hafiz wa Quran Ntukuvu.’ Sayyid Ayyub ﷺ yayongera nagamba nti A’la Hadrat ﷺ yataandika okukwaata Quran mu mutwe okuva ku lunaku olwo. Oba oli awo, ebiseera byeyakozesa okukwaata byaali

okuva nga amaze okufuna Wudu ya Salat-ul-'Isha okutuusa ku ntaandikwa ya Jama'at ya Salat-ul-'Isha. A'la Hadrat ﷺ yakwaata nga ejuzzu emu buli lunaku era yamaliriza ejuzzu eya 30<sup>th</sup> ku lunku lwa 30<sup>th</sup>.

Olumu, A'la Hadrat ﷺ yagamba, 'Nkute Quran Entukuvu mu kudiringanya n'obunyiikivu. Nkikoze ku lw'okwatula kw'abantu abawandiika 'Hafiz' nga ekitiibwa n'erinnya lyange baleme kubeera mu bukyamu.'

(*Hayat-e-A'la Hadrat*, vol. 1, pp. 208)

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ      صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

## Okwagala Nabbi

A'la Hadrat ﷺ yali kabonero k'obwagazi obungi ennyo eri Nabbi ﷺ. Obungi bw'obwagazi bwa A'la Hadrat ﷺ eri Nabbi Owekitiibwa ﷺ kuyinza okulabwa ng'osomye ekitabo ky'ebitoontome bye ekya 'Hadaiq-e-Bakhshish.' Ye yayiiya enyiriri z'ebitontome ebitendereza Nabbi ﷺ okuva ku ntobo y'omutima gwe ekikakasa obwagazibwe obungi n'okutenda kwe okwa Nabbi ﷺ. Teyawandiika kitontome kyonna mu kuwaana abafuzi ab'okunsi kubanga yali yewaddeyo mubujjuvu eri Ow'ekitiibwa Nabbi ﷺ n'omutim

Ebiroomboja obulamu bwa Imam Ahmad Raza mu bufunzefunze'

n'mwooyo. Mu mazima, yali waggulu nnyo mu kitondekye kino. Ye ﷺ yalaga endowoozaye mu kunokola kuno:

*In̄hayn jana in̄hayn mana na rak̄ha ghayr say kam  
لِلَّهِ الْحَمْدُ Mayn dunya say Musalman gaya*

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ      صَلُّوا عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okwewala okuwaana abakulembeze

Lumu, abatontomi ab'enjawulo bayiya ebitontome ebiwaana era ebisuuta Omufuzi wa Nanpara (disitirikiti Bahraich-UP, India). Abantu abamu basaba A'la Hadrat ﷺ ayiiye ekitontome ekiwaana omufuzi. Mu kwanukula kino, A'la Hadrat ﷺ yawandiika Na'at esuuta Nabbi wa Rahmañ, Omuwolereza wa Ummañ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ n'okugulwaawo kuno:

*Wōh kamal-e-husn-e-Huzur ḥay kay guman-e-naqṣ jaḥān naḥin  
Yehi p̄hul khar say dur ḥay yehi sham'a ḥay kay d̄huwan naḥin*

**Amakulu g'ebigambo ebizibu:** *Kamal* = Tekiriimu nsobi, *Naqṣ* = Kirimu ensobi, *Khar* = Amaggwa

**Okunyonyolwa kw'ekitontome kya Raza:** Obulungi n'ekitiibwa ky'Omwagalwa wa Nabbi ﷺ owa Allah عَزَّوَجَلَّ kiri ku ddaala erisiinga eryawaggulu mu butaba nansobi (*Kamal*)

i.e yasingira ddala mu biteendo bino. Ye ﷺ wankomeredde mu butabeera nansobi - teri nsobi (*Naqs*) emulabwamu. Buli kimuli kirina amaggwa ku matabi naye akawoowo k'okumulisa kw'ekimuli kya Aminah tekilina maggwa yadde.

Buli musubbaawa guleeta omukka era ako kamogo muggwo, naye Nabbi ﷺ ye musubbaawa ogutangaala ennyo mu masekkati g'aba Nabbi ogatalina mukka i.e tegulina kamogo konna.

Mu lunyiriri olufuundikira, A'la Hadrat ﷺ yakozesa bulungi nnyo ekigambo 'Nanpara':

*Karun madh-e-aḥl-e-duwal Raza paṛay is bala mayn mayri bala  
Mayn gada ḥun apnay Karim ka mayra Din para-e-nan naḥīn*

**Amakulu g'ebigambo ebizibū:** *Madh* = Okusuuta, *duwal* = emaali, *Para-e-Nan* = ekitundu ky'omugaati

**Okunyonyolwa kw'ekitontome kya Raza:** A'la Hadrat ﷺ yagamba, 'Lwaki negoomba abagaga? Ndi musabir6izi mu maaso ga Nabbi Omugabi ﷺ. Eddiini yange si ya Para-e-Nan.' 'Parah' kitegeeza ekitundu ate 'Nan' kitegeeza omugaati. Nabwekityo kitegeeza, 'Tebinkwaatako eby'okufuna omugaati gwaange nga mpaana abafuzi ab'okunsi.'

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ  
صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okulaba Mustafa صلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ mu bugolokofu

A'la Hadrat بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ bweyagenda okukola Hajj omulundi ogw'okubiri, yasigala asoma Salat & Salam mu maaso ga maqam entukuvu okutuusa ekiro ennyo n'ekirubirirwa eky' okulaba Omwagalwa era Ow'emikisa Nabbi صلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ naye, mu kiro ekyasooka, teyagererwa kufuna mukisa ogwo omunene. Mu kiseera kino, yawandiika olunyiriri olumanyiddwa ennyo muntaandikwa yalwo mweyalaga essuubi ery'ekikwaate n'Owekisa Nabbi صلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ.

*Woh suay lalah zar phirtay hayn  
Tayray din ay bahar phirtay hayn*

**Okunyonyolwa kw'ekitontome kya Raza:** Mulisa Owange muga. Laba! Kabaka wa Madinah صلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ ajja eri ennimiro y'ebimuli.

Mu kugalawo, Ala Hazrat بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ yalaga okusaaniraakwe mu ngeri ey'ennaku enyingi:

*Koi kyun puchay tayri bat Raza  
Tujh say shayda hazar phirtay hayn*

(Mu lunyiriri olw'okubiri mu kutontoma okwo waggulu, A'la Hadrat بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ yeyita n'obuwombeefu ekigambo 'Sag [i.e. dog]', however, Sag-e-Madinah awandiise 'Shayda' – oyo abbinkidde ennyo mu bwagazi)

Ng'amaze okuwa olunyiriri olwo, ng'atudde mukutya okw'okuwa ekitiibwa ng'aliinda okulaba, yafuna omukisa ogw'esanyu kubanga yalaba Ow'ekitiibwa Nabbi ﷺ n'amaaso amaggule mu bugolokofu. (*Hayat-e-A'la Hadrat*, vol. 1, pp. 92)

شَبَّخَنَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَ Katuwebweeyo ku maaso ago agaalaba Nabbi Omwagalwa Ennyo ﷺ owa Allah عَزَّوَجَلَ mu bugolokofu! Yagwaanira ddala okuweebwa omukisa ogweteendo nga bwewali omwagazi owensusso wa Nabbi ﷺ ate nga abbinkidde mu bwagazi bwe, ekirabirwa ddala mu bitontomebye.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ      صَلُّوا عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okutunula mu mpisaze

A'la Hadrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, 'Omuntu bwawayawuzaamu omutima gwange ebitundu bibiri, ajakulaba لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ مُحَمَّدٌ رَسُولُ اللَّهِ ku kitundu ekirala.' (*Sawanih Imam Ahmad Raza*, pp. 96 – *Maktabah Nuriyyah Razawiyyah, Sukkur*)

Tajdar-e-Ahl-e-Sunnat, Shahzada-e-A'la Hadrat, Hudur Mufti A'zam Hind Maulana Mustafa Raza Khan عليه رحمۃ الرحمان agamba mu Saman-e-Bakhshish:

*Khuda aik per ho to aik per Muhammad* حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ  
*Agar qalb apna dau paraḥ karun mayn*

Mu maaso g'abamanyi n'abalongoofu mu biseera bye, A'la Hadrat  
حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yali abbinkidde mu kwagala Nabbi wa Rahmah,  
Omuwolereza waUmmah, Nanyini Jannah حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَاللهِ وَسَلَّمَ.  
Yasaangibwa nnyo nga munakuwavu kubanga ali wala okuva  
ku Nabbi حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَاللهِ وَسَلَّمَ. Buli A'la Hadrat  
bwewayasoma ebigambo eby'ebivumo ebyawandiikibwa abo  
'abavumi abaasasulwa', amaziga gakungaananga mu maasoge.  
Ye حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yabawakanya nabaddamu okubateeka  
bawandiike bubi kuyye naye nga tebawandiise bubi ku Nabbi  
حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَاللهِ وَسَلَّمَ.

A'la Hadrat حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ yasanyuka nnyo nti Allah  
amufudde engabo okutaasa ekitiibwa kya Nabbi Ow'ekitiibwa  
حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَاللهِ وَسَلَّمَ mu biseera ebyo. Yayolesa obukyaamu  
bw'ebigambo byabavumi ba katonda n'obuvumu bungiera  
nebakozesa amanyi gabwe okumuwakanya, ate mu kaseera  
ako, baali tebasobola kuvuma Nabbi Omwagalwa era  
Owemikisa حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَاللهِ وَسَلَّمَ. Yagamba mu Hadaiq-e-  
Bakhshish:

*Karun tayray nam pay jan fida*  
*Na bas aik jan dau jaḥān fida*  
*Do jaḥān say b̄hi naḥin ji b̄hara*  
*Karun kya kaṛoṛon jaḥān nahin*

A'la Hadrat ﷺ teyakkiriza mwaavu kuddayo ngatamuwadde. Ye ﷺ yali abayamba. Ne mu kiseera ekyaseembayo mu bulamubwe, ye ﷺ yakola ekiraamo eri aba'engandaze nti balabirire abaavu, babawe emmere ewooma era baleme kubagobaganya.

A'la Hadrat ﷺ yali abeera bize mu kusoma n'okuwandiika ebitabo. Ye ﷺ yali asaala eŞalah ne Jama'at mu Masjid. Ye ﷺ yali alya emmere ntono.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ      صَلُّوا عَلَى الْمُحَمَّدِ

## Okutuula okw'okuwa ekitiibwa mu Milad

Mu Milad Sharif, A'la Hadrat ﷺ yali atuula mu ngeri ey'okuwa ekitiibwa nga eyo eri mu Şalah okumala ekiseera kya Milad kyonna era yasitukanga okusoma Salat-o-Salam mu kiseera ky'okwogera ku kuzaalibwa okw'emikisa. Yali abuulirira ku kituuti okumala essaawa nnya oba ttaano nga atudde wewamu mu ngeri eyo ewa ekitiibwa.

Singa ffe, abaddu ba A'la Hadrat, nafe tukoppa entuula eyo ewa ekitiibwa nga tusoma oba nga Quran Entukuvu, nga tuli mu Ijtim'aat ezisomesa Sunnah, Madani Mužakarah, Madani Halqah nebirala.

(*Sawanih Imam Ahmad Raza*, pp. 119) (*Hayat-e-A'la Hadrat*, vol. 1, pp. 98)

## Engeri ey'okwebaka ey'enjawulo

Mu kiseera ky'okweebaka, Ala Hadrat ﷺ yali ateeka ekinkumu kye ku lugalo olusoonga nakola ekigambo 'الله' . Teyalannamyanga maguluge nga yeebaka. Yebakiranga ku ddiyowe n'emikono gyombi ngagiri wansi w'omutwe. Ye yafunyanga amaguluge. Mu ngeri eno omubiri gwe gwakolanga ekigambo 'محمد' . (Hayat-e-A'la Hadrat, vol. 1, pp. 99)

Bino byebyewuniya mu mpisa zabaddu ba Allah ﷺ n'abagazi ba Nabbi ﷺ.

*Nam-e-Khuda hay hath mayn nam-e-Nabi hay zat mayn  
Muhr-e-ghulami hay pari, likhay huway hayn nam do*

صلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَّوْا عَلَى الْحَبِيبِ

## Egaali y'omukka yasigala tetambula!

Janab Sayyid Ayyub 'Ali Shah ﷺ yagamba: Lumu, A'la Hadrat ﷺ yali ataambula okuva ePilibhit nga adda eBareilly ng'akozesa egaali y'omukka. Mu lugendo, egaali y'omukka yasigala ku sitensi ya Nawab Ganj okumala eddakiika bbiri. Ekiseera kya Salah ya Maghrib kyali kituuse. Egaali y'omukka nga yakayimirila bweeti, A'la Hadrat ﷺ yatandika okusaala nga asomye Takbir-e-Iqamat. Waaliwo abantu nga bataano abegatta ku A'la Hadrat ﷺ mu

Şalah̄. Nali omu kubbo. Nga sinnaba kwegatta ku Şalah̄, nakebera okulaba omukuumi w'egaali y'omukka eyali atali musiraamu, namulaba anyeenya bendera ey'akiragala.

Natunula ebweeru w'edinisa nendaba nti olunyiriri lwali luweddewo ng'egaali y'omukka egenda kutandika. Naye egaali y'oukka teyatambula. A'la Hadrat ﷺ yamalayo Rak'at eza Fard esatu n'obwetoozaze obujjuvu ate mu kiseera ekyo bweyatoola Salam ku ludda lwa ddiyo, egaali y'omukka yali etambudde ng'egeenda. Okulombojja kwa شیخ اللہ عزوجل، شیخ اللہ عزوجل، شیخ اللہ عزوجل kwayita ku nnimi z'abagoberezi ngatebagenderede.

Ekyokuyiga mu kyafaayo kino ekyamagero kiri nti ejama'at eva kuba nga yasaalibwa wabweeru ku lujja olwo kyandi gambiddwa nti omukuumi yagaana egaali y'omukka okutaandika nga alabye mukwaano gwa Allah عزوجل nga asaala eŞalah̄. Nga eŞalah̄ bweyali esaaliddwa munda mu gaali y'omukka, tekiyinza kutegeerekeka nti omukuumi yali alabye mukwano gwa Allah عزوجل nga asaalira eŞalah̄ munda mu gaali y'omukka mu kiseera ekitono ekyo ate nalwiisa okutandika ky'egaali. (*Hayat-e-A'la Hadrat, vol. 3, pp. 189-190*)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ amusaasire ate atusonyiwe ngatetubaliddwa kululwe!

أَمِينٌ بِحَجَّةِ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

*Woh kay us dar ka huwa khalq-e-Khuda us ki hui*

*Woh kay us dar say phira Allah us say phir gaya*

*(Hadaiq-e-Bakhshish)*

**Okunyonyolwa kw'ekitontome kya Raza:** Oyo eyewaayo ddala mu mbuga ya Nabbi Omwagalwa era Ow'ekitiibwa t عَزَّوَجَلَّ، ebitonde byonna ebya Allah عَزَّوَجَلَّ bimugondera era oyo ajeemera embuga eno ey'emikisa agaanibwa mu mbuga ey'ekisa eya Allah عَزَّوَجَلَّ.

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ      صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى الْحَبِيبِ

## Ebitabobye

A'la Hadrat رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yawandiika ebitabo nga 1000 ku misomo mingi. Yawandiika obukadde bwa 'Fatawa (ennamula z'eddiini)' okuva mu kiseera 1286 A.H. okutuusa 1340 A.H., naye eky'omukisa omubi zonna tezakungnyizibwa. Ezo ezakunganyizibwa zisangibwa mu kitabo ekiyitibwa 'الْعَطَايَا التَّبَوَّيَّةِ فِي الْفَتاوَى الرَّضُوَيَّةِ'

Olufulumya olusinga obupya olwa 'Fatawa Razawiyyah' lulimu vuliyumu 30, empapula 21656, ebibuuzo – n'okwanukula 6847 n'ebitabo 206.

(*Fatawa Razawiyyah*, vol. 30, pp. 10 – Raza foundation, Lahore)

Okumanya kwe okwa Quran, Ahadees, Fiqh, Mantiq nebirala oyinza kukulaba nga osomye Fatawa ze mu kusoma okwamanyi. Enyanja y'okufumiitiriza efuukuuka mu buli Fatwa. Amanya g'ebitabo omusanvu ebya A'la Hadrat ﷺ are:

سُبْحَنَ السُّبُّوْحِ عَنْ عَيْبٍ كَذِبٍ مَقْبُوحٍ  
A'la Hadrat ﷺ yawandiika ekitabo kino nga asamabajja abo abavuma n'abajeeja Allah عَزَّوَجَلَّ nga bamugattako ekivve 'eky'okuliimba'. Ekitabo kino kyakubiraddala abalabe. (2) مَقَامُ الْخَدِيدِ (3) الْآَمْنُ وَالْعُلُّ (4) حَيَاتُ الْمَوَاتِ (5) تَجَلِّ الْيَقِينُ (6) الْكَوْكَبُ الشَّهَابِيَّةُ (7) سُلُّ السُّيُوفِ الْهِنْدِيَّةُ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

## Okuvvuunula kwa Quran Entukuvu

Enzivvuunula y'omulu Urdu eya Quran Entukuvu eyakolebwa A'la Hadrat ﷺ yesiinga zonna enzivvuunula endala ez'omulu Urdu mu kiseera kino. Enzivvuunula eyakolebwa A'la Hadrat ﷺ eyitibwa 'Kanz-ul-Iman.' Khalifa wa A'la Hadrat, Maulana Sayyid Na'imuddin Muradabadi yayongerako enyinyonyola ku bbali eyitibwa

Khazain-ul-'Irfan ate Shaykh Mufti Ahmad Yar Khan  
عَلَيْهِ حَمْدُ الرَّحْمَنِ yayongerako enyinyonyola ku bbali eyitibwa Nur-  
ul-'Irfan mu Kanz-ul-Iman.

صَلَوَاتُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلَوَاتُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَى الْحَبِيبِ

## Okufa okw'ennaku

Ng'ajja omwaaka gw'okufaa kwe okuva mu Juzzu ya 29 ayaah 15 eya Surah Ad-Dahr mu Quran Entukuvu, A'la Hadrat عَلَيْهِ حَمْدُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yayogera ku kufaakwe emyeezi ena (4) n'ennaku abiri mu bbiri ngatanaba kufa. Mulimu omuwendo1340 mu ayah eyo ng'okozesa 'Ilm-e-Abjad ate1340 Hijri gwe mwaaka mweyafiira ng'okozesa kaleenda y'obusiraamu. Ayaah eyo eya Quran eri:

وَيُطَافُ عَلَيْهِمْ بِأَنِيَةٍ مِّنْ فَضَّةٍ وَّأَكْوَابٍ

Wajjakuberayo amasowaani n'ebikopo ebyafeeza eri bbo  
Rounds of silver utensils and goblets will be there for them.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 29, Surah Ad-Dahr, Verse 15)  
(Sawanih Imam Ahmad Raza, pp. 384)

A'la Hadrat عَلَيْهِ حَمْدُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yafa nga 25<sup>th</sup> Safar-ul-Muzaffar 1340 Hijri (28 October, 1921) ku Lw'okutaano ku ssaawa 2:38 p.m. mu ssaawa z'obuyindi (ku ssaawa 02:08 p.m. ng'okozesa PST).

Mukiseera kya Azan ya Jumu'ah, A'la Hadrat Imam-e-Ahl-e-Sunnat, Mujaddid wa Ummah, Azza obuggy-a-e-Sunnah, Omusaanyaawo wa Bid'ah, Omumanyi wa Shari'ah, Omulagirizi wa Tareeqah, 'Allamah Maulana Al-Haj Al-Hafiz Al-Qari Ash-Shâh Imam Ahmad Raza Khan عَلَيْهِ وَسَلَّمَ الْخَمْنَ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ الْخَمْنَ yava munsi eno..

إِنَّا إِلَهٍ وَإِنَّا لِأَئِيمَةٍ رَجُّعُونَ ﴿١٢﴾

Leero, maqam ye ey'emikisa elambulwa bangi mu Bareilly Sharif.

صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ

### Okulinda mu mbuga ya Nabbi ﷺ

Nga 25<sup>th</sup> Safar-ul-Muzaffar (1340 A.H.), omumanyi owa Syria yalootera mu Bait-ul-Muqaddas nti Imam Ahmad Raza Khan عَلَيْهِ وَسَلَّمَ yali mu mbuga ey'ekitiibwa eya ﷺ; ba Sahaba رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُمْ ne ba Auliya nabo baaliwo era waaliwo okusiriikirira. Baali baliinga abalina gwebaliinda. Omumanyi omusiiri yabuuza Nabbi ﷺ, حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَالْهُوَ وَسَلَّمَ n'obuwombeefu 'Ya Rasulallah حَلَّ اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَالْهُوَ وَسَلَّمَ!

Abazadde bange baweyyo kululwo! Ani gwebaliindirira? Nabbi ﷺ yaddamu, 'Tuliindirira Ahmad Raza.'

Omumanyi yabuuza, 'Ahmad Raza y'ani?' Omwagalwa Nabbit yaddamu, 'Ye mutuuze wa Bareilly mu India.' Omumanyi oyo bweyazuukuka, yatambulirawo okuva mu busiiri (Syria) nayolekera Bareilly Sharif okusisinkana A'la Hadrat ﷺ, naye eky'ennaku, yategeezebwa nti A'la Hadrat ﷺ yali afudde mu lunaku lwelumu (i.e. 25<sup>th</sup> Safar, 1340 A.H.) lweyaloota Nabbi ﷺ nga alindiride 'Ahmad Raza.' (*Sawanih Imam Ahmad Raza, p. 391*)

*Ya Ilâhi jab Raza khuwab-e-giran say sar uthayé  
Dawlat-e-baydar-e-‘ishq-e-Mustafa ka satî hō*

(*Hadaiq-e-Bakhshish*)

أَمِينٌ بِجَاهِ التَّيِّيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

صَلَّوْا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Sag-e-Ghaus-o-Raza:

**Muhammad Ilyas Qadiri Razavi** عَفْيٌ عَنْهُ

25<sup>th</sup> of Safar-ul-Muzaffar, 1393 Hijri  
31-03-1973

## OKUMULISA KWA SUNNAH

Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ !, eSunnah nyingi zi yigibwa era zisomesebwa mu mbeera ya Madani eya Dawateislami, ekibiina ekibulira Qur'an ne Sunnah munsi yonna era ekitali kya politikisi. Kuno kusaba kwa Madani nti mwetabire mu Ijtimah ezaagazisa Sunnah ezi baawo buli wiiki oluvannyuma lwa Maghrib buli Lwaakuna mu kibuga kyo, (mu Kololo Jamia Masjid, [Kampala]) n'enniya ey'okufuna okusiimibwa kwa Allah ﷺ . Ne Niyyah ey' okufuna empeera, kiteeke mu puroguraamu zo okutaambula ne Madani Qafilah ezi kubiriza okukolera ku Sunnah, na'baagazi b'Omutume حَلَّ اللَّهُ عَلَيْنَا مَا كَلَّ , jjuzaamu akatabo ka Madani In'amaat buli lunaku ng'okola Fikr-e-Madinah era okaweyeo eri oyo Zimmadar (avunaanyizibwa kubutabo obwo owa Dawateislami) mukifoo kyo. Emikisa n'obulungi ebiri mu kino; ojakufuna endowooza n'obwaagazi oba okuyaayaanira okukolera ku Sunnah, okutamwa amazaambi n'okukuma obukkirizaabwo، انْهَا اللَّهُ عَلَيْنَا مَا كَلَّ Buli owluganda omusiraamu ayina okufuna endowooza eya Madani nti: "Nnina okulafubana okwelongoosa nze sekinoomu n'abantu b'ensi yonna, Okulongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku Madani In'amaat ate okulongoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne Madani Qafilah .



ISBN 978-969-579-343-5



0109479

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran  
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 1262

Web: [www.dawateislami.net](http://www.dawateislami.net) | E-mail: [translation@dawateislami.net](mailto:translation@dawateislami.net)